## OMWAMI OMULUNGI ERI ABANTU BE (ABA WAKA)

Mukyala wa nabbi omwagalwa ennyo Aisha, ya mwogerako bwati,

"Nabbi yatuyambangako ku mirimu gy'awaka era n'olumu yaddaabirizanga engoye ze engatto ze n'ayera ne mu nnyumba . Yakamanga amata mu bisolo byaabwe, n'aliisa ensolo ze n'akola n'emirimu gy'awaka emirala".

Muhammadi yali musajja omufumbo afaayo ku bakyala be, era yakubirizanga nnyo abagoberezi be okumuggyako eky'okuyiga .Yagamba nti;

"Ababasinga obukkiriza beebo ababasinga empisa ennungi, ate abo ababasinga empisa ennungi beebo ababasinga okuyisa bakyala baabwe obulungi",

## YALI EKY'OKULABIRAKO EKISINGA

Ebyo byonna ebyogeddwako kubadde kulaga nga Muhammadi (emirembe gibe kuye) bweyawangaalanga, Ebyokulabirako bye tumuggyako mu kusaasira kwe n'ekisa ebiweereddwa biyinza okuba ebyewuunyo ku bantu abamu olw'ekifaananyi kye balina ku busiraamu n'ebikyamu ebibwogerwako wamu n'okubunnyonnyola ekifuulannenge ku gimu ku mikutu gy'ebyempuliziganya.

Kya mugaso nnyo omuntu bwaba ayagala okutegeera obusiraamu abuggye butereevu mu nsibuko zaabwo; Quraani, n'ebigambo wamu n'ebikolwa bya nabbi Muhammadi (emirembe gibe kuye ) era omuntu talina kubutegeera ng'abulabira ku bikolwa ebibi eby'abasiraamu abamu.

## EBYOGERWA ABATALI BASIRAAMU.

Geoge Benard Shaw, Omungereza munnabyabufuzi , yagamba; Ensi erina obwetaavu obw'okufuna omusajja alinga Muhammadi' olw'obutamanya n'okwekuza bwa bannaddiini mu mirembe gye tukubye amabega bbo baamutegeerera ddala mu ngeri enkyamu era nga baamulaba nga omulabe w'obukulisitaayo. Naye oluvannyuma lw'okwetegereza ebyafaayo by'omusajja ono bye nnasanga nga bijjudde ebyamagero n'okwewunyisa, nakikakasa nti teyali mulabe wa bukulisitaayo, wabula ate alina kuyitibwa omununuzi w'abantu "Mu kulaba kwange singa y'aba aweereddwa oba amufaanana obuyinza bw'okufuga ensi olwa leero, yanditumaliddewo ebizibu byaffe ate nazzaawo emirembne n'essanyu ensi by'ennooya kati"


**AIDA:**

africaislamicdaawah@gmail.com


+256702643001 +256701571550

**Ahlan:**

Ahlan.Explore

info@ahlan-group.com

http://www.ahlan-group.com/

A I D A

AFRICA ISLAMIC DAWAH ASSOCIATION

# Nabbi Muhammadi

(Okusaasira n'emirembe bibe kuye)

Osaanidde okumutegeera!

## MUHAMMADI Y'ANI?

Mazima mulina Abasiraamu okukkiriza nti Muhammadi (okusaasira kube kuye ) ye nabbi asemberayo ddala mu lukalala lwa bannabbi bonna abaatumwa okukoowoola abantu bagondere era basinza katonda Omu (Allah ). Abamu mu bannabbi abo be bano; Adam, Nuuhu, Ibrahim , Ismail, Ishaaq , Yakubu, Yusufu, Musa, Dauda , Sulaimani ne Yisa Masiya (Emirembe gibe kubo bonna).

Mu ngeri emu nga Musa (emirembe gibe kuye) bwe yatumwa n'ekitabo ekyamuweebwa (Taurat) era ne Yisa Masiya (emirembe gibe kuye n'ekitabo ekyamuweebwa (Enjiri), sso nga yo Baibuli eriwo ebiseera bino ekontana n'enjiri , abasiraamu bonna bakkiriza nti Muhammadi (emirembe gibe kuye ) yatumibwa n'ekitabo (Quran ) okulagirira abantu nga amateeka gaakyo bwe galina ekussibwa mu nkola.

Mukyala wa nnabbi ayitibwa Aisha, lumu yabuuzibwa ku mpisa za Nnabbi ono (emirembe gibe kuye), era n'agamba nti yye nnabbi yali , "Qurani yennyini etambula ekitegeeza nti yye nnabi yateekanga mu nkola enjigiriza ya Quran yonna mu mbeera n'enneeyisa ye eya bulijjo. Tujja kubalaga nga bwe yateekanga enjigiriza y'ekitabo kino eyeekitiibwa mu bikolwa.

## OKUSAASIRA KWE.

Nga oggyeeko okukoowoola abantu okuyimizaawo esswala, okusiiba n'okuwaayo mu kkubo lya Allah, Nabbi (Emirembe gibe kuye ) era yasomesa nti obukkiriza bw'omuntu busanye bulongoose engeri gy'ayisamu n'abantu abalala. Yagamba nti
"Abasinga obulungi yoyo abasinga empisa ennungi"

Ebigambo bya nabbi bingi bikkaatiriza oluganda oluli wakati w'okukkriza n'okuteeka mu nkola ekyokulabirako, "Bulli yenna akkiriza Allah buli lunaku lw'enkomerero tasaanidde kunyigiriza muliranwa we, era buli yenna akkiriza Allah n'olunaku lw'enkomerero alina okugulumiza omugenyi we , era buli akkiriza Allah n'olunaku lw'enkomerero ayogerenga amazima oba ssi kyo asirike"
Omubaka ono ow'enkomerero yasomesa abantu okuba ab'ekisa n'okuwa ejjana ekitiibwa
"Oyo yenna atalina kisa eri balala , naye tasaasirwa"
Mu njogera endala, abantu abamu baasaba nabbi (emirembe gibe kuye ) okusaba Allah abonereze abatawawuliriza naye yabaddamu bwati,
"Nze ssaatumibwa kukolimira bantu wabula natumibwa kubasaasira"

## OKUSONYIWA KWE

Nabbi (emirembe gibe kuye) yali nga ye muntu asinga okusonyiwa mu bantu bonna wamu n'okuba n'ekisa , Omuntu bwe yamuvumanga nga amusonyiwa, ate omuntu yenna bwe yabanga omubi gy'ali, ye nga agumiikiriza ku ye. Yalinga muyitirivu wa kusaasira na kusonyiwa sso ssi okwesasuza kw'oyo amunyiizizza.
Muhammadi yali omuntu omusonyiyi sso ate nga teyalina kisobyo kimukolebwa wadde kinene nnyo n'akaluubirirwa ye kye kyali eky'okulabirako ekisinga obulungi olw'okusonyiwa n'okusaasira kwe , nga bwe kirambikibwa mu aya ya Quran eno wammanga ;
"Sonyiwa (Owange Muhammadi ) era kubiriza abalala okusonyiwa era yawukana kw'abo abatamanyi" (Quran 7:199 )

## OBWENKANYA BWE

Mu bigambo bya Nabbi (Emirembe gibe kuye bino wammanga, yayigiriza nti abantu bonna
"Abantu bonna baava mu Adamu, ate Adamu yaggyibwa mu ttaka .
Omuwarabu ssi wa waggulu
Kw'oyo atali muwarabu , wadde omuddugavu ku oyo omweru, okuggyako nga amusukkulumako olw'okutya Allah okumusingako"

"katonda tatunuulira ndabika oba bugagga bwammwe wabula otunuulira mitima gyammwe na mirimu gy'okubasasula"

Lumu omugoberezi wa nnabbi yayita munne mu ngeri y'okumujerega bw'ati, "Ggwe mutabani w'omukazi kaddugala " Nabbi (emirembe gibe kuye ) n'asunguwala nnyo olw'ekigambo kino era n'agamba
"Omukkakkanya / omujerega olw'okuba nti maama we muddugavu ?
Okyalimu obutamanya nga obwaliwo mu kiseera eky'obutamanya"

## OBUGUMIKIRIZA BWE.

"Temukosanga abo ababakosa, naye mubayisenga bulungi mubasonyiwe era mubasaasire;
Bwati omubaka oyo ow'enkomerero (emirembe gibe kuye) bwe yakuutiranga abagoberezi be nga babadde n'okusoowagana wakati waabwe.
Ebyafaayo by'obusiraamu biraga engeri ezitali zimu, nga Nabbi yali nga alina obusobozi okwesasuza kwabo abaamunyiizanga, naye kyokka yabalekera nga n'abasonyiwa.
Yasomesa abantu okuba abagumiikiriza mu biseera eby'o kusoomoozebwa : "Om'amanyi mummwe ssi y'amegga abalala wabula y'oyo asobola okufuga obusungu bwe"

Okuba omugumiikiriza tekitegeeza nti Omusiraamu alina kuba ssekibotte atasobola kwerwanako ng'abadde ayiikiriziddwa . Nabbi Muhammad (emirembe gibe kuye) yagamba nti; "Temwegoba okusisinkana abalabe bammwe (okubalwanyisa ) , naye bwe muba mubasisinkanye n'amaanyi gammwe gonna.

## OBUKWATA MPOLA BWE.

Omugoberezi wa Nabbi Muhammad (emirembe gibe kuye) eyamuweereza okumala emyaka kkumi yanyumya nti Muhammad yalinga mwetoowaze ate omukwata mpola mu nkolagana ye naye yagamba,
"Bwe nnakola nga ekintu, teyambuuzanga lwaki nkikoze, ate bwe nnabanga ssikikoze teyambuuzanga lwaki ssikikoze, ye yali asinga okuba n'ekisa mu bantu bonna. "

Olunaku lumu, mukyala wa nabbi (emirembe gibe kuye) yalaga obusungu obuyitirivu ku muntu eyali amunyiizizzi, naye nabbi n'amugamba bwati,
"Beera mukwatampola, owange ggwe Aisha, Mazima Allah ayagala obukwatampola mu nsonga zonna"

Era yagamba; "Mubenga bakwata mpola, kubanga ssinga obukwatampola buba mu kintu bukirongoosa ate bwebutabaamu kyonooneka"

## OBWETOOWAZE BWE.

Nabbi (emirembe gibe kuye) yalinga aziyiza abagoberezi be okumugulumiza nga bayimirira bwe baabanga bamulabye. Bwe yatuukanga mu lukunngaana ng'atuula awo wonna we yasanganga ekifo era teyasabanga kifo kya njawulo. Teyayambalanga ngoye zonna n'ekigendererwa eky'ekulaga nti ye wa waggulu ku kabala. Yabeeranga wamu n'abanaku abaavu, ate yatuulanga n'abakadde ate n'aayambanga ne bannamwandu. Abantu abaalinga batamumanyi kyalinga kizibu okumwawula ku balala abo be yabanga ali nabo .

Bwe yali nabagoberezi be lumu yagamba,
"Allah andagidde nanngamba nti, "Mulina okuba abeetoowaze. Tewali muntu n'omu alina kwekuliza ku banne era tewali n'omu alina kunakuwaza munne (awatali nsonga)"

Bwatyo yalinga mwetoowaze nnyo nga atya n'abantu okumugulumiza ennyo, kubanga ekyo kitendo kigwaanira Katonda yekka:
"Temuyitanga we mwandikomye okungulumiza, nga abakulisitaayo bwe baayitawo ku Yisa Masiya, Omwana wa Mariamu. Nze ndi muweereza wa Allah, Kale mumpite omuweereza era omubaka wa Allah"